**$15^{th}$ April 2018.**

# ENTEEKATEEKA Z'OKUZIMBA WEEMA YA MUKAMA.

**Okuva 35,36.**

Nga tuli mu ssuula yaffe eno 35, tulaba oluvannyuma lwa Musa okufuna okuddizibwa obuggya bw'endagaano wakati wa Mukama n'abaana ba Isirayiri nga bwe twaalaba omulundi oguwedde nti yali atandise okubawa ebiragiro bya Mukama nga bwe gwandibadde olwasooka lwe yakka okuva ku lusozi naye nasanga ebivve bye baali beetabamu ne bitabagendera bulungi.
Ku luno yasanga beetoowazza nga bamuwuliriza, bwe tusoma mu Baebbulaniya 3:3-6, zigamba nti……. Musa yali muwulize eri byonna ebyamulagirwa Mukama, kyokka byonna byaali bisongereza eri Yesu Kristo.

Tusome nga bwe tweetegereza nny.1-3…
Ekyateesaawo olunaku luno kwe kuba abawummulira mu Mukama.

Nny.4-19….
Musa yabawa olukalala lw'ebyo byonna ebyaali byetaagwa eri omulimu gw'okuzimba Weema ya Mukama nga bwe yali yalagirwa, mu ssuula 25:1-9.

Nny.20-29….
Nga bwe gwaali nabo bawaayo nga beesimidde nga buli omu bwe yali yeewulira okuwaayo. Bonna, awamu n'abakulembeze baabwe bawaayo eri omulimu.
Naffe leero mu kuzimbwa kw'omulimu gwa Mukama nga ffe kennyini ffe bizimbe bya Mukama, kitugwaanidde okuwaayo eri obweetaavu bwaffe ffenna okuzimbwa mu mwoyo, nga bwe kiba mu kkanisa.

Nny.30-35….
Bezaaleeri ne Okoliyaabu baali baalondwa Mukama waleme kubawo na kuvuganya oba kusalilirwa omuntu yenna abe nga abakakasa nga ba kalabaalaba(foremen), b'eddimu eryo. Era bajjuzibwa Omwoyo eri obusobozi obwo. Ssi kuba na bumanyirivu oba buyigirize kye kitusobozesa okkola omulimu gwa Mukama, wabula obujjuvu bw'Omwoyo we. Ate nabo beetaba mu mulimu butereevu ssi ng'abalagira obulagizi wabula nga balagirira nga 'servant leaders'.

Ssuula 36:1-7….

Abantu baaleeta bingi nnyo obuyitirivu eri omulimu okutuuka okukugirwa.

Era abakulembeze abazimbi nabo tebaalina mululu kweddiza bintu bya bantu wabula baatumira Musa agambe abantu bakomye okuleeta ebintu, ekyaalaga era ne kituyigiriza okuba ne ‘accountability’/obweerufu eri obugabirizi bwonna eri omulimu gwa Mukama.

Nny.8-38……

Omulimu nga bwe gwaali gwonna nga bwe gwaali gulagiddwa obutereevu.

Mukama Katonda waffe ye Katonda w’obutereevu(order), n’olw’ekyo na ffenna kirina ottusikiriza okuba ne ‘order’, - obutereevu mu byaffe byonna bye tuvunaanyizibwa, kuba mw’ekyo tuba tuweesa Mukama ekitiibwa kyagwaanidde mu bulamu bwaffe.

Ebintu ebirabwaako bye bitusikiriza okuba abatuukirivu munda awatalabwa, oba gye tutalabwa oba kulondoolwa. Obutereevu bwa Mukama bwe butusikiriza mu kino okuba n’empisa, oba enkolwa yadde n’endowooza entereevu.